Ekitontome

Posted by Bikolwa - 2007/11/21 21:26

TODDA MU MASABO:

Ku nsi tukubwa bugoma

Na bibatu n’eminyolo.

Eddiba alina eriguma

Y’aliramawo abeewo.

Mu lulimi lw’abalima

Nkumbi ziba za busimu!

Guba mukisa awonawo,

Talaba nti wa kitalo.

Kiba kisa kya Mukama

N’aleka ogira obaawo

Weebaza ye gw’otenda,

Todda mu ebyo bya masabo.

BYA FR. F X MBAZIIRA

Banange nsabayo ayinza okutunyonyola ffe abamu nga nze... ngezako okubako nebigambo byengiga buli lunnaku ebyo'luganda ate namakulu gabyo Kati mukitontome nga kiino ekigambo 'busimu' kiteegeza kyi?

==========

Re:Ekitontome

Posted by Phad - 2007/11/22 02:57

Ha!

Pleasure to be 1st to answer this:

Akasimu ke kakumbi akatono,akakozesebwa okusiga ensigo.

Akakumbi kano katuuka ku size eyo lwa kuggweerera,wabula emirembe egy'edda abaweesi b'akolanga size zonna,naye nsuubira engeri emirembe bwegizze gidibya emirimu nga okuweesa,kati engeri akasimu gyekayinza okufunika kuba kuggweereza nene.

Akamu kaba kasimu,obungi buba busimu.

Ne nerves ziyitibwa busimu, but in this particular instance,yali ategeeza nkumbi,era nga ategeeza nti ezirigumira emmimbi zirirwa edda ne zifuuka obusimu.

Awo nno nange ne nzijukirayo kamu:-

Nali njokya gonja

Kitange n'ava eri

N'ankuba omuggo

Ne gunsiriikiriza

Ne mpita Bayita

Bayita n'agaana

Busungu bwa Muyima

Busookera ku mutwe

Ne bumbuna omubiri

Mala kulya eyidde

Siimale kulya eyidde

Katungulu an'adda?

Katungulu t'adde

Doola, Doosa

Doola Dumba

This took me back to my P.3 South days.

==========

Re:Ekitontome

Posted by omumbejja - 2007/11/22 03:30

TINTA

Tinta

Embuzi ennume tetinta nga mugongo.

Bw'etinta?

Ng'eri mu kafuuyi.

Kafuuyi ki? Aka Mwayi.

Mwayi ki? Ow'Ekkojja.

Kkojja ki? Ow'e Kyaggwe.

Oluggya lwe? Baanabazannye.

Mukaziwe? Nnamukundi.

Ow'okubiri? Kyolyonyiwa.

Olusuku lwe? Nnakitokolo.

Ekibbo kye? Woogawaatira.

Akambe ke? Woogayunginjira.

Olusolobyo lwe? Lugulumpaali

Akagga? Nnabajjuzi.

Akalala? Nnabisaniiko

Wagggyamu ki? Akaggo kange

akalungi ennyo

Kaakutuusa wa? Kantuusa ku mbuga

e Buzinde.

Kyaali ki? Kyali kyekango

Kyekango ki? EKYANJAGAZA OMULUNGI ATANDIIKO

Ng'ani NGA.....

==========

Re:Ekitontome

Posted by Bikolwa - 2007/11/22 08:25

:woohoo: Neyanzinza nyo Phad nawe Ssebo Mumbejja! Kati nfunidde ddala homework awatali kwekwasa nti sirina ansomeesa... Connect ewaangale!

==========

Re:Ekitontome

Posted by JeenaJulia - 2007/11/22 08:52

Hehehe munzijukizayo kengenda nelabila

Mbu Ono Namagalo,namagalo

Ono yawelekela namagalo

Ono Ntevunya, ntevunya

Ono yawelekela ntevunya

Kano akasajja kasajjawala

kino ekibaatu nabaatu baatu

wano wenteleka ensimbi za baaze,

Eno enkwawa nyambalizi..

Gano amasso galaba ssesse....nebilala byesijukila naye nga kagwayo mbu biino bye bi....oops...nkyelabide something to do with ebintu bya kabaka.Akamanyi anzijukize.

==========

Re:Ekitontome

Posted by Kalibattanya - 2007/11/22 09:00

Namagalo waliwo eyakikubamu oluyimba, ndulina. Bwonooba obuliddwa, nalufuna nenkubeera. Wabula ate jjukira ku kano;

Nasitanzia abaana batya?

Baafa dda.

Ekyakulobera okumbikira?

Nnelabira.

Genda olye nyoko okwelabira?

Naawe nnio.

(Nnio, ye ass?)

==========

Re:Ekitontome

Posted by Bikolwa - 2007/11/22 14:58

---

lol lol lol Oh God Kali you are sumik!!! Now this is a version I've not heard of!!!

Ono namagalo, namagalo

ono yawerekera namagalo

ono ntevunya, ntevunya

ono yawerekera ntevunya

don't remember what comes next

but...recall this much kiino ekibattu nabattu battu, simanya zino enkwaya nyambalizi?? etc..

==========

Re:Ekitontome

Posted by Phad - 2007/11/22 15:36

JeenaJulia wrote:

Hehehe munzijukizayo kengenda nelabila

Mbu Ono Namagalo,namagalo

Ono yawelekela namagalo

Ono Ntevunya, ntevunya

Ono yawelekela ntevunya

Kano akasajja kasajjawala

kino ekibaatu nabaatu baatu

wano wenteleka ensimbi za baaze,

Eno enkwawa nyambalizi..

Gano amasso galaba ssesse.....

Ono Namagalo,Namagalo

Ono yawelekela Namagalo

Ono Ntevunya, Ntevunya

Ono yawelekela Ntevunya

Kino ekisajja kyasajjawala

Kino ekibatu Nabbatu bbatu

Kino ekiseke Nassekesseke

Wano wenteleka ensimbi za baaze

Zino enkwawa nyambalizi

Luno olubuto Nantakkutika

Kino ekiwato Namudebere

Gano amasso galaba Ssesse

Eno enkoona yalaba nkoto

Zino enviiri Namunyerere

Guno omutwe Nabbengo

Bino bye Biwaawo bya Kabaka

(Ebiwaawo ge matu)

NB Buli ky'oba oyimbako obeera olina okukikwatako.

eg Kino ekiwato Namudebere (wano okwata mu kiwato n'okibonga nga enje)

==========

Re:Ekitontome

Posted by Phad - 2007/11/22 15:44

Kalibattanya wrote:

Nasitanzia abaana batya?

Baafa dda.

Ekyakulobera okumbikira?

Nnelabira.

Genda olye nyoko okwelabira?

Naawe nnio.

(Nnio, ye ass?)

Nasitanzia abaana batya?

Baafa dda.

Ekyakulobera okumbikira?

Nnelabira.

Omusomesa erinya ani?

Vikitoolo.

Ekyamutuumisa erinnya ebbi?

Kwewulira.

Ekimutambuza nga akemba

Yalwala ebbwa.

Ekyamulobera okulinyiga?

Lyasajja.

Nasitanzia.

Wangi

Nakugamba dda.

Wangi

Sima Lumonde.

Wangi

Bw'ot'alimusima.

Wangi

Balikutunga Ku luti, ku luti ku luti ku luti

Woooo oooo ooooo ooooooooo

==========

Re:Ekitontome
Posted by Zoozo - 2007/11/22 15:57

_____

Abalungi, mwebale naye mundeese kakati... era kantandike nekibuuzo.

Bwe nali omuto waliwo akayimba nga kava ndowooza mu lugero kenayagalanga ennyo era nga buli lwe banyumiza olugero olwo nga bakayimba. Ekyenaku, bakakozesanga nyo nga ka tulo tulo kwata omwana. i.e. bakayimbanga kiro era nga bagala nebake, era neebakanga kuba kali kasenekerevu bulungi.

Bino byenzojukiramu byoka:

guma guma sirikawo komunaku ebujje ly'omusayi gwange

Akamanyi ataase bannange.

==========

Re:Ekitontome
Posted by Zoozo - 2007/11/22 16:02

_____

Phad wrote:

Ha!

Pleasure to be 1st to answer this:

Akasimu ke kakumbi akatono,akakozesebwa okusiga ensigo.

Akakumbi kano katuuka ku size eyo lwa kuggweerera,wabula emirembe egy'edda abaweesi b'akolanga size zonna,naye nsuubira engeri emirembe bwegizze gidibya emirimu nga okuweesa,kati engeri akasimu gyekayinza okufunika kuba kuggweereza nene.

Akamu kaba kasimu,obungi buba busimu.

Ne nerves ziyitibwa busimu, but in this particular instance,yali ategeeza nkumbi,era nga ategeeza nti ezirigumira emmimbi zirirwa edda ne zifuuka obusimu.

Phad taata PhD nze ngikuwadde. Onnyonyodde bulungi nnyo nnyo!

==========

Re:Ekitontome
Posted by Phad - 2007/11/22 17:00

_____

Zoozo wrote:

Bino byenzojukiramu byoka:

guma guma sirikawo komunaku ebujje ly'omusayi gwange

Akamanyi ataase bannange.

Mwattu Zoozo

Ngezaako okujjukira akayimba kano, twalina omukozi awaka eyakayimbanga kumpi buli lunaku naye ebigambo byako byonna sibijjukira.

Nsobola kujjukirako bino:

Najja lwambi najja lwa naku nze samanya nti ebiribawo biriba biti,

Nadduka kufa na kuwona nfune emirembe mu lutalo olwokusosola

Lwali lumu mu tumbi nga neebase ne mpulira ebibwatuka,

Ne ngenda ewa muliranwa ndabe ebifaayo nga lwe lunaku olw'okusirika.

Nasangawo abakadde ababiri nga beesigwa ne mbabuuza ekibatintimya.

Banziramu ebintu ebyennaku ebyantengula nemanya nti twali ku lubabu!

Guma guma enjala sirikawo k’omunaku ebbujje ly’omusaayi gwange

Guma guma guma sirikawo k’omunaku, sirina mata ga kukuwa.

Sorry its fast fading in memory,cant get anymore lines down!!

==========

Re:Ekitontome

Posted by Kalibattanya - 2007/11/22 19:34

Phad nakujjirako dda enkofiira, kati nkukunyulidde ne ku nviiri!! Akayimba ako waggulu nkajjukira nga a very faint dream. Osobodde otya okukajjukira? Eeehee, Bikolwa ffe tuli mu bizibuuuu!!

==========

Re:Ekitontome

Posted by omumbejja - 2007/11/22 20:17

ONO NNAMAGALO

Ono Nnamagalo Nnamagalo

Ono y'awwerkerra Nnamagalo,

Ono Nteevuunya Nteevuunya

Ono awereekera Nteevunya,

Kano akasajja Kassajjawala,

Kino ekibatu Nabbatubbatu

,

Wano we ntereka ensimbi za baze,

Eno enkwaawa Nnyambalizi

,

Kino ekiseke Nassekesseke,

Eno enkoona yalba nkoto,

Zino enviiri zaaseenyuuka,

Kino ekyeenyi Namunyiirira,

Gano amaaso galaba Ssese,

Zino ennyindo zaaleeluka,

Ganoamannyo Nnantawagalwa,

Guno omutwe Nnabbengo,

Kino ekifuba kyabambaala

,

Luno olubutoNnntakkusika,

Kino ekiwato Nnamudebere,

Gano amagulu Nnakkobokkobo,

Bino biwaawo bya Kabaka.

==========

Re:Ekitontome
Posted by Phad - 2007/11/22 20:52

Haaaaaa

Omumbejja sebo fenna otukubye faalu!

Obumu mbadde sikyabujjukira naye nga ndowooza nti bwona mbumazeeyo.

Exclnt stuff that!!

==========

Re:Ekitontome
Posted by omumbejja - 2007/11/22 21:15

Phad bagamba nti agali awamu gegaluma enyama munno bwaaba namalibu ngolina engereka nga mwenna mukwatira awo tombuuza kyentegeeza i'm just being silly

==========

Re:Ekitontome
Posted by Bikolwa - 2007/11/22 22:30

Owange Kalibattanya, nze ate olowooza kati nayimuka ndagawa okuva ku mulemwa gunno? Ndeka nenyumirwa byenasubwa mu buto!

Ffe munange abaamu anti twali nga ku head and shoulders, knees and toes etc... naye tolaba wano banno bwebateekamu negonno? Simanya kwata ku kiwato...haa naye oba ani anzikiriza ade mudiiro tumugerezeko!

==========

Re:Ekitontome
Posted by Zoozo - 2007/11/23 10:36

Phad webale nnyo sebbo. Nange kanyongere okutakula omutwe kubanga bu memory bwa childhood yange bungi buli awo.

==========

Re:Ekitontome
Posted by Meli - 2007/11/24 14:08

Sossolye omukulu kko

Ggwe wali omugezi kko

Noddira abaana kko

Nossa mu jinja kko

Kankonkonera kko

Nomumwa guluma kko

Nomutwe guluma kko

Njagala ggenda kko kko kko

Njagala ggenda kko kko kko

==========

Re:Ekitontome
Posted by Meli - 2007/11/24 14:11

Namunkanga kyatatya

Atumye Nakato emugga

Songa Nakato

Mwana wa Ggulu

Tagenda mugga

Ate nga Nakato

Mwana wa Ggulu

Tagenda mugga

Bbutu nekyebutuggula

Bbutu nekitengetera

Bbutu kigenze munku

Bbutu kinadda lwaggulo

==========

Re:Ekitontome
Posted by Meli - 2007/11/24 14:14

Nsanga ayokya gonja

Asigala enkoto gwendya

Obugoma nsanga bulege

Obwa Namasole erukuli

Nantawonderwa akatono

Bwomuwondera ebbuzi eddene

Agenda kwesala ekyambe

Obugoma bwokunyanja

Nsanga busindogoma

Buleke busindogome

Nenkya bunagenda

Tugenda wa Ggulu tubuwone

Ebiriyo binatumala

==========

Re:Ekitontome

Posted by Meli - 2007/11/24 14:17

Ha! muyinza mutya okwelabira kano;

Owo mutwe omumwe

Yeyalidde ekibe

Yeyabbye amagi gange

Agabadde mu kyoto

Yeyalidde ekibe

Bweyabadde akirya

Nekimumwa omutwe

Lwaki tewamukubye?

Anti nabadde mutya

==========

Re:Ekitontome

Posted by Meli - 2007/11/24 14:20

Waliwo ekikwaate ekirimu;

Lwaki tewazinamu?

Nali nzinamu obuwala nebuseka

Lwaki tewabukuba?

Nnali mbukuba Kabaka nandaba

Lwaki tewadduka?

Nnali nziruka omugongo be kkutu

Ani akijjukira?

==========

Re:Ekitontome

Posted by Phad - 2007/11/25 00:41

Nagenda E Buddu, ne ndyayo enkejje.

Lwaki tewaleetako?

Nnali ndeetako,enkuba n'etonnya.

Lwaki tewagyeggama?

Nnali ngyeggama, obugoma ne buvuga.

Lwaki tewazinako (mpozzi kuba kubiibya)?

Nnali ngazina,obuwala ne buseka.

Lwaki tewabukuba?

Nnali mbukuba,Kabaka n'andaba

Lwaki tewamudduka?

Nnali mudduka omugongo bwe kkutu bwe kkutu bwe kkutu!!

==========

Re:Ekitontome

Posted by Phad - 2007/11/25 00:48

Naye era Meli you are the best mu Bitontome/Bikwate.

Kubanga "Namunkanga ky'atatya" simutegeererako ddala,kyokka ate "Nsanga ayokya gonja" mbadde manyiko lines satu zokka!

Amazing job that!!

==========

Re:Ekitontome

Posted by omumbejja - 2007/11/25 04:12

TEERA

Ka nkome kkome

Ensowera egudde ku mutego , tteera

Egudde ku mutego akonyonyi kaagibuulira tteera

Kagibuulira okumera namitwe ebiri , tteera

Namitwe ebiri omutwe gumwenkana mpiri tteera,

Gumwenkana mpiri alinga bitooke bisalire ,tteera,

Bitooke bisalire bisalirwa mulirooko

Mulirooko gulobera nkoko kubiika,

Nkoko kubiika ebiika mwana Kibeezi.

Ssekati kanaani

Mugumba tteera,

Kabindo neeza,

Akasaka ku kyoto hm.

==========

Re:Ekitontome

Posted by Meli - 2007/11/25 08:55

Ha Phad, sirowooza!! Waliwo awo byemwogedde byembadde sikyajjukira. Naye Mumbejja ate nze ekyo kinjjukira bulala ko;

Nakkome kkome

Ensowera egudde mu mutego tteera

Egudde mu mutego akanyonyi kagibuliira tteera

Kagibuliira alinga namitwe ebiri tteera

Nnamitwe ebiri omutwe gumwenkana mpiri tteera

Gumwenakana mpiri muwala na wajjengo

Wa wajjengo eyasingira ebitannaba

Ebitannaba byantuusa e Namugongo

E Nnamugongo eriyo basajja Mivule

Basajja Mivule yazaala -------

Ebirala sibijjukira, nebimumkwebyo biyinza obutaba bituufu, naye rythm yeeyo.

==========

Re:Ekitontome

Posted by Meli - 2007/11/25 08:59

Kano kensinga okunyumirwa nabuli kati. Lwaki? Ebisemba simanyi kyebitegeeza!

Kaggwa Kaggwa

Kaggwa yalayira

Nti ekiri mu ggulu

Bwekiribwatuka

Ensi erikankana

Nti omwana omuto

Aliyita nyina

omukulu nayita engozi

Emu, emu

Zali bbiri okuzaala akaliga

Ani yakazaala

Kyetondeke kitooke

Bbale kituuli tuuli

Vvuluba.

==========

Re:Ekitontome

Posted by Meli - 2007/11/25 09:02

Tugende tubbe

Tunnabba wani?

Ewa Mulindwa

Tebatukwate?

Kale tugende

Aaha nze ssibirimu

==========

Re:Ekitontome

Posted by Meli - 2007/11/25 09:04

Sendegeya nninga akumanyi

Wandaba wa?

Ku muti omukalu

Ogwa wa? Ogwe Kibuli

Nga nkolaki?

Nga osunda mata

Agaani?

Aga Kabaka

==========

Re:Ekitontome

Posted by Meli - 2007/11/25 09:05

Ate ani ajjukira Kyeyune eya "passing-a breeze" in a major way ku mbaga ya Kabaka?

I used to find his arrogance so funny.

==========

Re:Ekitontome

Posted by Kalibattanya - 2007/11/25 20:12

Ha, kyokka nyabo. Ekyo ekya Kyeyune kikkirizibwa wano ku Connect?

Nze kangende ku kyange kyenzijukidde;

Kannemu

Kannabbiri

Kafumba mwanyi

Katta kkonkome

Malangajja

Kannakkwaale Ofumba otya

Kulujjo

Bwassa bwanegula

Ekkumi liweze.

==========